# Ofiisi ya Pulezidenti eyisizza ebiragiro ebipya ku ttaka ly'ekibira ky'e Nsowe e Gomba

Bya JALIAT NAMUWAYA

OFIISI ya Pulezidenti wamu n'akakiiko k'ebyokwerinda eragidde abaamagye n'abeebyokwerinda bonna abassibwa mu kibira kya Gavumenti ekya Nsowe Forest Reserve e Gomba mu ngeri eteri nnambulukufu okukyamuka.

N'obukiiko obubadde bwassibwawo mu kibira kino okubaako okunoonyereza okw'enjawulo kwe bukola, buyimirizidwa era n'ababaddeko bye bazimba balagiddwa obutaddamu.

Bino byasaliddwaawo mu lukiiko lw'ebyokwerinda olwatudde ku ofiisi z'omubaka wa Pulezidenti e Gomba. Lwetabiddwaamu abakulu okuva mu kitongole ekikessi ekya ISO n'akulira ekibinja ekisooka eky'amagye nga lwakubiriziddwa avunaanyizibwa ku kulondoola enteekateeka za Gavumenti mu ofiisi ya Pulezidenti, Yiga Kisa Kyamukama.

JALIAT NAMUWAYA



Omubaka wa Pulezidenti e Gomba, Katende (owookusatu ku kkono) ne bassentebe b'ebyalo nga balaga enkalala ezinaakozesebwa okuddamu okuwandiisa abaakosebwa ku ttaka.

Kisa Kyamukama yagambye nti, kino kyakoleddwa okuwa omwagaanya ttiimu empya Pulezidenti gye yasindise okumalawo endooliito n'okugobaganya abantu ku ttaka ly'ekibira kino okutandika okukola.

Yagambye nti, baakusindikayo ttiimu y'abaamagye endala okukuuma ekibira kino kuba wabaddewo okusoomoozebwa nti abeebyokwerinda ababaddeyo babadde batwalibwayo bantu ssekinnoomu naddala abagagga mu ngeri eteri nnambulukufu okubakuumira ettaka lyabwe.

Enkaayana ku ttaka ly'ekibira kino zigenda mu myaka 12 ng'abalaalo n'abasenze abaasangibwawo bagugulana n'abagagga NFA (National Forest Authority) be yawa kontulakiti okuddamu okusimba emiti.

Amaka 300-400 ge gagambibwa okuba nti gaagobaganyizibwa ku ttaka lino era bazze beekubira enduulu ewa Pulezidenti Museveni abayambe ng'ono yasooka kusindikayo Kattikiro wa Uganda, Robina Nabbanja.

RDC w'e Gomba, Ronald Katende yatongozza enteekateeka y'okuddamu okuwandiisa n'okusunsula abantu abatuufu abaakosebwa okusobola okuggyamu bannakigwanyizi abagambibwa nti ebbanga lyonna babadde tebabeera ku ttaka lya kibira kino kyokka bwe baawulira nti Pulezidenti Museveni aliko engeri gy'agenda okuyambamu abantu, kwe kwesenzaayo mu lukujjukujju.

Enteekateeka eno yaakumala ennaku 8 era nga bassentebe b'ebyalo 7 ebyakosebwa baaweereddwa empapula okuva mu State House kwe balina okuwandiisiza abantu.